Woofiisi z'Ababaka ba Ssaabasajja mu UK & Ireland, Rhineland & Scandinavia

ZIKUTUUSAAKO

# BUGANDA BUMU EUROPEAN CONVENTION

## (TTABAMIRUKA WA BUGANDA ASOOKEDDE DDALA MU BULAAYA)

Obuganda ku Mawanga: Tekinologiya mu kutumbula Obumu, Enkulaakulana, eNnono n'Obuwangwa n'Abavubuka





## EMISOMO N'EKYEGGULO KYA TTABAMIRUKA

## 14 September 2024

## Kervan Banqueting Suite

## 293 Fore Road

## Edmonton, London N9 0PD

contact@bugandauk.com

www.bugandauk.com

LontexCargo
By Air & Sea, Worldwide
T/A Salabed



WORLDWIDE SEA & AIR FREIGHT FORWARDING

OFFERING
- 2-3 Weekly Air & Sea cargo dispatches
- Professional Packaging
- Insurance on Request
- Online Cargo Tracking
- Full container loads shipped
- Procurement Services
- Roll on Roll off Vehicles Shipping
- Inland Haulage
- 30 years Experience
- All round good value for money services

LONDON HEAD OFFICE
2A THAMES ROAD
BARKING
IG11 0HZ

CONTACT US
02088844060

IATA ACCREDITED AGENT ISO

www.lontexcargo.com Email: info@salabed.co.uk
Follow us: Lontex Cargo @lontexcargo



Goldtech Care
Enabling Extra Ordinary Lives



OUR MISSION
Provision of High Quality Care Service Guided by Adaptation and Individualism.

ABOUT US
Goldtech Care is a dedicated care agengy that provides organised, competent, and professional home care services. The company is founded and led by carers with more than five years' experience, who are accredited in the management, improvement, and delivery of care services.

OUR SERVICES
- Personal Care
- Companionship
- Live-in Care
- Respite Care
- Autism & Epilepsy Care for Adults
- Dementia Care
- Palliative and/or End of Life Care

07932 909 346
MARSHALL HOUSE, 124 MIDDLETON ROAD
MORDEN SM4 6RW, LONDON, UNITED KINGDOM

Goldtech Care www.goldtechcare.co.uk



INTERNATIONAL MONEY TRANSFER

WESTERN UNION WU moving money for better · TRANSFAST · nala · SENDWAVE · ria Money Transfer · MoneyGram money transfer
JUBA EXPRESS · Remitly · hellopaisa · xoom a PayPal Service · WorldRemit · Equity Direct · SWIFT

BE THERE WHEN IT MATTERS

Visit any of our money transfer partners to send money back to your loved ones and make your presence felt during life's big moments.



Equity Bank Uganda Limited: Plot 34 Church House, Kampala Road | P.O. Box 10184 Kampala | +256 312 327 000
info@equitybank.co.ug | http://equitygroupholdings.com/ug | UgEquityBank | @UgEquityBank Live Chat link: https://equity-ug.custhelp.com
Equity Bank Uganda Limited is regulated by the Bank of Uganda, Company Number: 52619.
Customer deposits are protected by the Deposit Protection Fund of Uganda up to UGX10 Million. Terms and Conditions apply.

EQUITY

| Ebirimu | Olup |
|---|---|
| Obubaka bwa Katikkiro wa Buganda | 3 |
| Obubaka bwa Oweek. Joseph Kawuki | 4 |
| Obubaka bwa Omubaka wa Ssaabasajja mu UK & Ireland | 5 |
| Obubaka bwa Omubaka wa Ssaabasajja mu Scandnavia | 6 |
| Obubaka bwa Omubaka wa Ssaabasajja mu Rhineland | 7 |
| Obubaka bw'Omkungu w'eBbendobendo lya North London & South Counties | 7 |
| Enteekateeka y'Omukolo | 8 |
| Agafa mu Ssaza lya UK ne Ireland | 9 |
| Eggulire ku Bbendobendo lya South ne West England | 9 |
| Obubaka okuva mu Bbendobendo ly'e Manchester (North of England and Midlands) | 11 |
| Olukiiko lwEbbendobendo lya North London & South Counties | 11 |
| Olukiiko lwEbbendobendo ly'e Scotland | 12 |
| Ekyeggulo kya Buganda eky'omulundi ogwomusanvu - 2023 | 13 |
| Olukiiko lw'Omubaka wa Ssaabasajja mu UK ne Ireland | 15 |
| Egimu ku Mirimu Egikoleddwa mu Ssaza lya UK ne Ireland Okuva mu Mwezi gwa Kasambula 2023 Olukiiko Lwerwatongozebwa | 16 |
| Manya Omubaka w'Ekika kyo mu Bungereza ne Ireland | 20 |
| Olukiiko Oluteesiteesi | 21 |

KABAKA FOUNDATION
NNABAGEREKA DEVELOPMENT FOUNDATION
Connect Uganda radio www.connectuganda.com
bbs
cbs 88.8, 89.2 FM

# Obubaka bwa Katikkiro wa Buganda



Mbatuusaako okulamusa kwange, okwa gavumenti ya Ssaabasajja Kabaka, wamu n'okw'Obwakabaka bwa Buganda bwonna.

Nga bwe mumanyi obulungi, Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II yatuula ku Nnamulondo, kati emyaka 31 eggyakayita. Ekimu ku bibala ebivudde mu Matikkira ga Kabaka kwe kukumaakuma abaana ba Nnambi, yonna gye bali n'okubakwasisa ekkubo erinazza Buganda ku Ntikko.

Nkakasa mwenna mukimanyi nti Kabaka amaze ebbanga lino lyonna ng'atukuutira okubeera obumu, ate ng'obumu ye Nsonga ya Buganda Ssemasonga ey'Okutaano.

Bwe tubeera obumu, obuwanguzi tujja kubutuukako kubanga omulabe abulwa w'ayita. Mu ngeri yeemu, bwe tuba obumu tuwangana amagezi; tubeeragana; tuyambagana, ne tukola ebyo ebitugasa buli omu ku lulwe, ate era ng'Eggwanga.

Olw'okwagala okunyweza obumu mu bantu ba Kabaka, kye tuvudde tugunjaawo Ttabamiruka ono owa Bulaaya, kituyambe okuwuliziganyanga ne baganda baffe, ssaako ne bannyinaffe, ababeera ku ssemazinga wa Bulaaya. Mu nteekateeka eno, tujja kubakyaliranga mu ngeri entongole omulundi gumu buli luvannyuma lwa myaka ebiri, mu mawanga ag'enjawulo mmwe ge munaaba mulonze, tubamanyise ebifa eka, ate naffe tutegeere embeera gyemubeeramu.

Nneebaza nnyo Abaami ba Kabaka n'abakungu mu bitongole ebitali bimu abaweereza ku mitendera egy'enjawulo ku ssemazinga onno owa Bulaaya, olw'omulimu gwe bakola ate n'okukola ng'olutindo wakati wammwe, ne Mengo ate ne Buganda yonna.

Mbasaba mu bakozese, basobole okubatuusaako enteekateeka z'Obwakabaka wamu n'amawulire agafa Embuga.

Mbasaba mufube nnyo okutegeera obuwangwa n'ennono zaffe era n'okulaba nti abaana baffe abazaaliddwa eno e Bulaaya tebeerabira ka wamu n'okubayigiriza olulimi Oluganda.

Mbaagaliza enteekateeka ya Ttabamiruka wa Bulaaya ennungi ebbanga lyonna.

**Ssaabasajja Kabaka Awangaale…….nga n'Enkumbi ku Bbega!**

**Charles Peter Mayiga**
**KATIKKIRO.**

UK Buganda Amasunsule
WhatsApp group
Scan this QR code using the WhatsApp camera to join this group



# Obubaka bwa Oweek. Joseph Kawuki - Minista w'Ensonga z'Abantu ba Buganda Ebweru



Ababaka ba Ssaabasajja Kabaka n'abantu be abawangaalira e bunaayira naddala e Bulaaya, mbalamusizza era mbeebaza okuba n'obumu obututuusizza ku buwanguzi obw'okubeera ne Ttabamiruka asoose ku lukalu lwa Bulaaya.

Twebaza nnyo Ssaabasajja Kabaka olw'enteekateeka zonna z'alina eri abantu be mu Buganda ne wabweru wa Buganda. Enteekateeka ezo mwemuvudde ne Ttabamiruka wa Bulaaya asookedde ddala (Buganda Bumu Europe Convention BBECO). Nga Minisitule y'ensonga za Buganda ebweru, twebaza Kamalabyonna Charles Peter Mayiga olw'okussa mu nkola okwolesebwa kwa Kabaka okulaba nga abantube mu nsi yonna bamubeera kumpi era nga batuukiriza obuvunanyizibwa bwabwe eri Obwakabaka bwabwe.

Ttabamiruka wa Bulaaya y'entabiro esoose eyolukungaana lw'Abaami ba Ssaabasajja Kabaka n'abantu bonna abava mu Buganda, abalina akakwate ku Buganda wamu n'abagaliza Buganda okugenda mu maaso.

Ttabamiruka wa Buganda e Bulaaya ono tumulinamu essuubi okwongera okugatta Abaami ba Ssaabasajja Kabaka n'abantu bonna abava mu Buganda n'abalina akakwate ku Buganda ssaako abaagaliza Buganda okugenda mu maaso. Mu ngeri yeemu, tetulina kubuusabuusa nti ajja kubasobozesa nga okufuna amawulire agakwata ku Kabaka n'ensi yaffe mu bituufu ssaako okwongera omuzinzi mu kaweefube w'okuzza Buganda ku Ntikko

Twebaza abantu ba Ssaabasajja abawangaalira mu Bulaaya, olw'amaanyi ge bateeka mu nteekateeka z'Obwakabaka okulaba nti ziteekebwa mu nkola naddala nga muno mwemuli; okugula satifiketi z'Obwakabaka, okwenyigira mu nteekateeka z'emisinde gy'amazaalibwa ga Ssaabasajja Kabaka nga mugula emijoozi, enteekateeka z'amatikkira n'endala eziva e Mmengo.

Minisitule y'ensonga za Buganda ebweru evunanyizibwa okubayunga ku nteekateeka z'Obwakabaka eziganyula abantu be; okugeza okutumbula olulimi n'obuwangwa bwaffe yonna gyemubeera, okuyambagana n'okunyweza obumu, okumanyanga agafa embuga ate mu budde, okunyweza obumu ssaako n'okubayunga obulungi ku nsi yammwe ebbanga lyonna.

Nkubiriza abantu ba Ssaabasajja wabweru wa Buganda, okubeera ababaka ab'ensa eri abantu gye bawangaalira, okukuuma ennono za Buganda ate n'okufuba okuyiga embeera z'abantu okusobola okukulaakulanya ekitundu gye bali wamu n'okutwala Buganda ku Ntikko.

Nga mmaliriza, mbasaba mwefumiitirizenga ku bubaka Ssaabasajja Kabaka bweyatuwa mu kujjukira amatikkira ge ag'omulundi ogwa 31. Yeebaza nnyo abantu be ababeera e bunaayira olw'okulaga omukwano eri Kabaka n'Obwakabaka. Yasaba bulijjo okukozesanga obuntubulamu n'okutambulira nga mu nnono zaffe nga twoleka omukwano ogwo.

Mbaagaliza okwegatta okw'obuwanguzi n'ebibala ebibeerera mu kaweefube ono atandise okutambulira awamu ng'abantu ba Kabaka ababeera e Bulaaya.

**Ssaabasajja Kabaka Awangaale………. ng'Enkumbi ku Bbega!**

**Joseph Kawuki**
**MINISITA WA GAVUMENTI EZ'EBITUNDU, OKULAMBULA KWA KABAKA N'ENSONGA ZA BUGANDA EBWERU**
(Omubaka wa Ssaabasajja mu UK ne Ireland)


IMPACT CARE



We provide reliable and affordable Live-in and Domiciliary care services to clients countrywide. We are the home of carers who care.

Phone number: 02034882619
info@impactcare.org.uk
www.impactcare.org.uk

Inspected and rated
Good
CareQuality Commission

## Obubaka bw'Omubaka wa Ssaabasajja mu UK & Ireland



Nina essanyu lingi nnyo okubaaniriza mu Ttabamiruka waffe ono asookedde ddala ku ssemazinga ono owa Bulaaya agatta amasaza gaffe asatu erya Scandanavia, Rhinelands ne Bungereza ne Republic ya Ireland. Ddala luno lunaku lwa byafaayo mu Ssaza lya Ssaabasajja lino ne ku ssemazinga ono okuba nga tukyaziza abagenyi abangi bwe bati omuli n'ab'ebitiibwa abangi bwe bati. Omukolo bwe guti tegubangawo bukya lubanga lwa mmindi.

Twaniriza n'essanyu lingi nnyo Katikkiro wa Buganda, Ow'ekitiibwa Charles Peter Mayiga, omumyuka wa Katikkiro owookubiri Ow'ekitiibwa Robert Waggwa Nsibirwa, Minisita wa Gavumenti ez'Ebitundu ,Okulambula kwa Kabaka n'Ensonga z'Abantu ba Buganda Ebweru Ow'ekitiibwa Joseph Kawuki. Era twaniriza ne ba Minisita Ow'ek Haji Amis Kakomo; Ow'ekitiibwa Isreal Kitooke Kazibwe; Ow'ekitiibwa Robert Sserwanga n'Ow'ekitiibwa Anthony Wamala abatindizze okujja okwetaba mu Ttabamiruka ono.

Twongera okwaniriza Bajjajjaffe Abataka Abakulu ab'Obusolya, ab'ebitiibwa Abaami b'Amasaza, Abakungu abatwala ebitongole, Abaami abaweereza ku mitendera egy'enjawulo n'abantu ba Ssaabasajja mmwenna abavudde mu bifo eby'enjawulo mu nsi yonna.

Twaniriza nnyo bannaffe okuva mu Tooro Community mu UK; Bunyoro Community mu UK; Acholi / Luo Community mu UK ne Banyakigezi abawangaalira mu UK.

Ntwala omukisa guno okwaniriza n'okwebaza ennyo abeetabye mu kuteekateeka omukolo guno, Ow'ekitiibwa Nelson Mugenyi, Ow'ekitiibwa Samuel Ssekajugo, Abakungu n'Abaami ba Ssaabasajja abeenyigidde mu mulimu guno okuva mu masaza gaffe gonsantule agali ku ssemazinga wa Bulaaya. Bannaffe mwebale nnyo mwebalire ddala.

Ttabamiruka ono asoose mu Bulaaya ateekedwateekedwa wansi w'omulamwa **"Tekinologiya mu Kutumbula Obumu, Enkulaakulana, Ennono, Obuwangwa n'Abavubuka".** Jjo twafunye omukisa okuba nga twabanguddwa abakugu ab'enjawulo n'okukubaganya ebirowoozo okulaba engeri gye tuyinza okukozesa Tekinologiya okwekulaakulanya, okuleeta obumu, okukuza obuwangwa bwaffe n'enkozesa y'emikutu mugattabantu (social media) obulungi okwongera okukunga abantu okubeera obumu.

Abavubuka nabo tebalutimidde mwana era bali mu keetereekerero ng'olunaku lw'enkya bagenda kutuula okutema empenda okulaba engeri gye bayinza okutumbula omutindo gw'ebitone byabwe eby'enjawulo n'okubikozesa okwekulaakulanya, okuleeta obumu n'okwongera okunyweza ennono mu nsi eno eyita mu nkyukakyuka ezijjira ku misinde egya yiriyiri.

Mu ngeri y'emu abavubuka bajja kufuna okulambikibwa okuva eri Ow'ekitiibwa Katikkiro ne Minister w'Abavubuka okubabuulira ku mikisa gy'okusiga ensimbi egiri ku butaka n'obukugu obwetaagibwa mu kukuza nnyaffe Buganda ne Uganda. Era bajja kufuna omukisa nabo okuwa ebirowoozo byabwe n'okubuuza ebibuuzo ebibakwatako.

Nga tuzze wano mu ssaza lyaffe erya Bungereza ne Republic ya Ireland, essira tulisimbye ku bumu na kwekulaakulanya era gwe mulamwa gwaffe. Tutemye era nga tukyatema empenda okulaba nga tutuukiriza omulamwa guno. Bino wammanga bye bikoleddwa:

- Tutadde amaanyi mu kulaba nga abaana baffe naddala abazaaliddwa kuno bongera okumanyigana, bayambangana mu kwekulaakulanya naddala mu kufuna emirimu, okuggulawo "businesses" n'okwenyweza, okuyiga n'okunyweza obuwangwa n'enonno zaabwe ku mulembe guno ogw'abavubuka. Tukoze emisomo egy'eby'emirimu n'okwezimba era tukyagenda mu maaso n'enkola eno.

- Tugunjizzaawo ekibiina kya **Twezimbe** abantu ba Ssaabasajja mwe banaasobola okusiga ensimbi. Ate nga ssente ezinaaba zisondeddwa zijja kusigibwa mu bintu ebikulaakulanya n'okutumbula embeera z'abantu b'essaza lyaffe.

- **Buganda Bereavement Fund** (BBF), etongozeddwa olwaleero. Kino kye kibiina ekigunjiddwaawo okukumaakuma,

okuwa obuyambi n'okuzzaayo bannaffe ababa bafiiridde kuno baziikibwe ku butaka (okwo bwe kuba nga kwe kwali okusalawo kwabwe oba okw'abeŋŋanda zaabwe). Buli muntu wa Ssaabasajja akubirizibwa okwegatta ku kibiina kino. Ebisingawo biri bu bupapula (leaflets) obufulumiziddwa.

- Okubudaabuda n'okubeesabeesa bannaffe abayita mu buyinike n'ekiwuubaalo. Kino tukikola nga tuyita mu bibiina byaffe ng'eky'abakyala; eky'abaami n'ekya Welfare. Tusaba abantu ba Ssaabasajja okutuukirira Abakungu n'Abaami abakola ku nsonga zino buli lwe wabaawo obwetaavu.

Mpunzika nga nyongera okwebaza abagenyi baffe naddala abavudde ebweru w'Essaza lino okujja okwetaba mu Ttabamiruka ono ow'ebyafaayo. Twebaza nnyo nnyini Ow'ekitiibwa Katikkiro, ba Minisita Abakungu n'Abaami okutufisizaawo obudde ne mubeera naffe ku mukolo guno. Era nyongera okwebaza abantu ba Ssaabasajja ne mikwano gya Buganda mmwenna abazze ku mukolo guno.

Twebaza abatusomesezza n'abatulambise. Twebaza nnyo abavujjirizi baffe okuyimiriranga naffe bulijjo. Bannaffe mwebale nnyo era temuggyanga okwo

Naye okusingira ddala njagala okwebaza Ab'ebitiibwa, Abakungu n'Abaami abakoze obutaweera okulaba nga omukolo guno gubeerawo.

Ttabamiruka ono atandikidde mu Ssaza lyaffe lino ku mulundi guno wa kubeerangawo buli luvannyuma lwa myaka ebiri era tujja kutegeezebwa Essaza eriddako okutukyaza.

**Ssaabasajja Kabaka Awangaale**

**Ssaalongo Geofrey Kibuuka**
**Omubaka wa Ssaabasajja mu UK ne Ireland**

## Obubaka bwa Omubaka wa Ssaabasajja mu Scandinavia



Ku lwange, Abamyuka bange, Olukiiko lw'Omubaka lwe nkulembera wamu n'abantu ba Ssaabasajja ne mikwano gyaffe mu Scandinavia tuli basanyufu nnyo okuba nga twenyigidde mu kuteekateeka Ttabamiruka wa Bulaaya asoose. Twebaza nnyo Maasomoogi eyalengera ewala n'asiima okuteekawo Amasaza gaffe gano okukuŋŋaanya n'okugatta abantu be era nga kino kye kitusobozesezza okutuuka ku ddaala lino okukolera awamu nga Amasaza asatu aga Bulaaya - erya UK ne Republic ya Ireland, Scandinavia n'erya Rhineland.

Mmwenna abazze tubaaniriza nnyo okubaawo nga abasaale nga Ttabamiruka wa Bulaaya ono atandikibwa era twebaza nnyo Essaza lya UK ne Republic ya Ireland eritukyazizza. Tukozese omukisa guno okunyweza obumu mu ffe, okuteesa okulungi, okumanyagana era n'okuva wano nga ffenna tutambuza omumuli gw'obumu era okukunga abantu ba Ssaabasajja mu bitundu gye tubeera tutambulire wamu ku nsonga za Buganda.

Ayi Ssaabasajja twebaza nnyo okutuweereza Katikkiro Charles Peter Mayiga ne bonna abamuwerekeddeko okujja okutongoza Ttabamiruka ono.

Neebaza baweereza bannange mmwenna wamu n'abalala bonna be tukoze nabo naddala abo abali mu UK ne Republic ya Ireland nga tutegeka Ttabamiruka ono.

**Ssaabasajja Kabaka Awangaale!**

**Nelson E. S Mugenyi**
**Omubaka wa Ssaabasajja mu Scandinavia**

## Obubaka bwa Omubaka wa Ssaabasajja mu Rhineland



Mbalamusiza mwenna era mbeebaza emirimu gyonna gyemuwereza Beene n'Obuganda okutwalira awamu era n'okwerekereza wamu okusobola okutambula obulungi.

Mu myaka gino, mbasaba mwejjukanye emirimu gyemukoze mu buwereza wamu n'okwefumintiriza ku wa gyetulaga, okusobola okulinyisa omutindo mu mirimu gyetuwereza nokuzimba omwana w'egwanga atuukiridde.

Tuli munsi enzibu okusiinga ffe gye twakuliramu, n'okwaniriza enkola empya eziriwo naddala mu bya tekinologiya ne sayansi. Tusobola okuteekateeka omujiji omugya ogug-gumidde okusobola okwahhanga ebisoomooza ebyebiseera bye tulimu.

Newankubadde bino bisaanidde, naye Okulambika abaana mu mpisa ez'obuntubulamu nakyo Kintu kikulu
Mbagaliza okujjaguza obulungi

Sam Ssekajjugo Musoke
**Omubaka wa Kabaka mu Rhinelands**

## Obubaka bwa Omukungu Atwala e Bbendobendo lya North London ne South Counties

Abantu ba Ssaabasajja abawangaalira mu Bbendobendo ly'Amambuka ga London tuli ba mukisa nnyo kubanga ffe tulidde empanga olw'okufuna omukisa gw'okukyaza mmwe mmwenna abazze okwetaba mu Ttabamiruka ono (Buganda Convention 2024) asookedde ddala okugatta amasaza g'Obwakabaka bwa Buganda omuli Bungereza (UK), Ireland, Rhineland ne Scandanavia. Twebaza ababaka ba Ssaabasajja mu masaza ago abakkiriza okutwesiga tubakyaze.

Tunajjukira nti twakyaza Kamalabyonna Ow'ekitiibwa Dan Muliika nga 24/09/2006. Ate ye Ssaabasajja yasiima n'ajja okutukyalira mu August 2007. Ow'Ekitiibwa J. B. Walusimbi ye yaddako nga 28/06/2009; ate Ow'Ekitiibwa C. P. Mayiga yali wano naffe nga 31/05/2015 mu budde bw'okusonda Ettafaali, ate ne mu 2022 mu mwezi ogwa Muwakanya.

Ku mulundi guno, Ttabamiruka ono wa kuyindira ennaku ssatu. Nga 13/09/2014 kuliko emisomo egy'enjawulo ate n'okusisinkana Abataka abazze okutusisinkana tuwayeemu nabo. Ku Lwomukaaga nga 14/09/2024 kuliko emisomo emirala (workshops), ate akawungeezi wabeerewo ekijjulo kya Buganda kwe tusisinkanira buli mwaka okuwayaamu ku nsonga za Buganda n'okusonda obuyambi okudduukirira ku byetaago naddala okusitula embeera z'abantu ba Ssaabasajja.

Ku luno Katikkiro ajja kutongoza Buganda Bereavement Fund (BBF), nga kino kigendererwa okukunga abantu ba Ssaabasajja okukolera awamu mu bwegassi okuteekawo ensawo ey'okulaba nti bannaffe ababa bafiiridde mu ssaza lino okubazzaayo bawummuzibwe ku butaka mu ngeri etezitoowerera nnyo ab'ennyumba y'omugenzi. Tubasaba mujjumbire enkola eno.

Nga 15/09/2024 lunaku lwa Bavubuka baffe be tukubiriza bongere okumanyagana, bayige obuwangwa n'ennono ate beetegeke mu bukulembeze kubanga emiti emito gye



giggumiza ekibira.

Ebitusoomooza bingi ddala. Guno gwe mukisa okutunula ewala tulabe engeri gye twegattamu, twekolemu omulimu tusobole okutema empenda ez'okumanyagana, okukolera awamu mu bwegassi ate tusobole okwekulaakulanya mu mbeera zaffe.

Tubaagaliza obulamu, eddembe, amaanyi, amagezi n'obugabirizi bwa Lugaba tusobole okukuza Nnyaffe Buganda.

Ssaabasajja Kabaka awangaale!

Robert L. Mukiibi
**Omukungu Atwala e Bbendobendo lya North London ne South Counties**

## Enteekateeka y'Omukolo—Olunaku Olwokubiri (Emisomo n'Ekyeggulo kya Buganda)

| From | To | Programme Item |
|---|---|---|
| **Ekitundu Ekisooka - 11.00 am - 4.00pm** | | |
| 11:00 | 12:00 | Okuwandiisa Abagenyi |
| 12:00 | 12:15 | Okwaniriza Abagenyi |
| 12:15 | 12:25 | Oluyimba lwa Bungereza (Ekitundu kimu)<br>Oluyimba lwa Uganda (Ekitundu Ekisooka)<br>Ekitiibwa kya Buganda (Ekitundu 1 & 4) |
| 12:25 | 12:30 | Okusabira Omukolo |
| 12:30 | 13:00 | Omusomo (Workshop) #1 - Okunyweza Obuwangwa n'Ennono ku mawanga mu mulembe gwa Tekinologiya akulira ku misinde egya yiriyiiri |
| 13:00 | 13:10 | Okuddamu ebibuuzo |
| 13:10 | 14:10 | Omusomo (Workshop) #2 - Ebituukiddwako mu Bwakabaka n'enteekateeka |
| 14:10 | 14:40 | Okuddamu ebibuuzo |
| 14:40 | 15:10 | Okuwummulamu |
| 15:10 | 15:40 | Omusomo (Workshop) #3 Obuntubulamu n'Ensa mu kunyweza Nnamu-londo |
| 15:40 | 15:50 | Okwogera kw'Omubaka wa Rhinelands |
| 15:50 | 16:00 | Okwogera kw'Omubaka wa Scandnavia |
| 16:00 | 17:00 | Okwetegekera ekitundu ekyokubiri |
| **Ekitundu Eky'Okubiri - 5.00pm - Midnight** | | |
| 17:00 | 18:00 | Okuwandiisa Abagenyi |
| 18:00 | 18:05 | Okwaniriza Abagenyi |
| 18:05 | 18:15 | Oluyimba lwa Bungereza (Ekitundu kimu)<br>Oluyimba lwa Uganda (Ekitundu Ekisooka)<br>Ekitiibwa kya Buganda (Ekitundu 1 & 4) |
| 18:15 | 18:20 | Okusabira Omukolo |
| 18:20 | 18:25 | Okusanyusa Abagenyi |
| 18:25 | 18:30 | Okwaniriza kw'Omukyuka w'Omubaka Atwala North London Bbendobendo |
| 18:30 | 18:40 | Okutuuza Omubaka wa UK ne Ireland n'Olukiiko |
| 18:40 | 18:50 | Okwogera kwa Owek. G Kibuuka n'Okwanjuula Abakungu n'Abaami |
| 18:50 | 19:00 | Ebifaananyi Ebitongole |
| 19:00 | 19:10 | Okwogera kw'Owek. J Kawuki n'okuyita Kattikkiro |
| 19:10 | 19:40 | Okwogera kwa Katikkiro |
| 19:40 | 19:45 | Ekitiibwa kya Buganda (Ekitundu 5) |
| 19:45 | 20:45 | Ekyeggulo n'Okusanyusa Abagenyi |
| 21:00 | 0:00 | Amazina ga Disco |
| | 0:00 | Omukolo guggwa |

# Agafa mu Essaza lya UK ne Ireland

## Amabendobendo agali mu ssaza lya UK ne Ireland

Mu kaweefube w'okwagala okutuusa obuweereza okumpi n'abantu ba Ssaabasajja abawangaalira mu UK ne Ireland, essaza lino erya UK ne Ireland lyasalibwamu Amabendobendo ataano (5) nga buli Bbendobendo likulemberwa Omumyuka w'Omubaka wa Kabaka n'olukiiko lwe.

Gano wammanga ge Mabendondobendo agakola essaza lya UK ne Ireland wamu n'abamyuka abagatwala.

| Bbendobendo | Akulira Olukiiko lw'Ebbendobendo |
|---|---|
| North London & South Counties | Mukungu Robert Lwanga Mukiibi |
| East London, Essex ne Anglia | Mukungu Godfrey Sekisonge |
| South & West England | Mukungu Janet Nabatta Mukiibi |
| North of England ne Midlands (Manchester) | Mukungu Revd Enock Kiyaga |
| Scotland | Mukungu Revd Dr Thomas Kisitu |




Maapu y'Amadendobendo agali mu Bukiikaddyo bwa UK ne Ireland

### Eggulire ku Bbendobendo lya South ne West England



Omwaka ogusoose ogw'obukulembeze bwa South ne West England (SWEB) gubaddemu obuwanguzi obw'enjawulo obutuukiddwaako. Mu buno mwe mubadde okutondawo olukiiko, n'okuteekateeka omukolo gw'okutuuza era nga luno lubadde lusaale nnyo mu kuyamba okuluŋŋaamya n'okuddukanya ensonga za SWEB okutuusa kaakano. Olukiiko lwatuuzibwa Ow'ekitiibwa Ssaalongo Geoffrey Kibuuka nga 5 Muzigo 2024.

Ate era SWEB yawoma omutwe mu mulimu ogw'okukuba maapu y'ensalo mu Ssaza n'ekigenderelwa eky'okwongera okutegeera obulungi buli bbendobendo we liyita kyanguye omulimu gw'okukunga abantu ba Beene. Ensonga eno twagiggusa bulungi era kati maapu ezo weeziri.




Maapu y'Amadendobendo mu Ssaza lya UK ne Ireland

Mu mwezi gwa Kasambula nga 27, abaweereza b'Ebbendobendo baagenda mu lusirika omwali okumanyagana era omwava eby'okukola mu mwaka oguddako nga mwe muli amasomo g'okwekulaakulanya, okuzimba ensawo y'ebbendobendo, okuteekateeka omukolo gw'okutuuza abaami ab'emiruka n'okuggumiza omulamwa gw'Essaza ogw'obumu n'okwekulaakulanya.

Ku buwanguzi buno twayongerako enteekateeka yaffe ey'emirimu gy'abavubuka mu mwezi gwa Kafuumuulampawu nga 6 mwe twategekera olukuŋŋaana gaggadde olw'okumutimbagano (Zoom) olwatuuza abantu ba Ssaabasajja abasoba mu 300 okuva mu mawanga ag'enjawulo. Twafuna abakugu okuva mu magye ga Bungereza (British Army), eby'ensimbi, obusawo ne tekinologiya w'ennyonyi (aerospace), mwe baalambikira abavubuka engeri y'okwettanira emirimu egy'ekikugu.

Tusuubidde okwongera okugaziya enkola eno eri abakulu abandiyagadde okukyusa emirimu oba okukuguka mu mirimu egitali gimu n'okukuzibwa mu mirimu mwe bali. Essomo lino lya kubeera ku Zoom nga 2 Museenene 2024.

Tusuubira okugenda mu maaso n'omutindo guno mu Bbendobendo okwongera okuzimbira ku bitukiddwaako mu biseera ebyomu maaso.

Awangaale Ssaabasajja n'enkumbi ku bbega.

Janet Nabatta Mukiibi
**Mukungu atwala eBbendobendo lya South ne West England**



**Olukiiko lwEbbendobendo lya South ne West England olwatuuzibwa nga 05/05/2024.**

*Mu kifaananyi,* ***abayimiridde okuva ku kkono;*** *Hajji Yusuf Ssennyonga (Omumyuka w'olukiiko), Tom Musuuza (Omuwandiisi), Frederick Ssennyange (Omuwanika), William Ssekubunga (Omumyuka w'Omuwandiisi), Hajji Badru Male (ow'Abaami n'Abaana), Faisal Kiyingi (ow'Abavubuka), Apollo Kabuye (ow'Amawulire), Lynn Nantume (ow'Abavubuka), Joanne Nakanjakko (ow'Ebyenjigiriza, Amasomo, n'eby'Obulamu), Jasper Ntege (owa Pulotoko), Rebecca Gwaliwa (ow'Emirimu egy'Enjawulo n'Entambula), Richard Banadda (ow'eby'Emizannyo n'Okwewummuza), Mukungu Deus Zziwa.* ***Abatudde okuva ku kkono****; Janat Ssennyonga (mumyuka w'Abakyala n'Abaana), Edith Kaggwa (ow'Abakyala n'Abaana), Mukungu Janet Nabatta Mukiibi, Ow'ekitiibwa Ssaalongo Geoffrey Kibuuka, Mukungu Rev. Enock Kiyaga Mayanja, Mukungu Godfrey Ssekisonge, Ssaalongo Paul Mukwaya (ow'Obuwangwa n'Ennono), Pauline Najjuma (ow'Obuwangwa n'Ennono), Joyce Kafeero (Omumyuka w'Omuwanika).*

Olukiiko lusiimibwa olw'obuweereza.

# Obubaka okuva mu Bbendobendo ly'e Manchester (North of England and Midlands)



Omukolo ogw'okutongoza abaami mu bbendobendo ly'e Manchester gwakolebwa Omubaka wa Ssaabassajja Ow'ek. Ssaalongo Geoffrey Kibuuka nga 02/03/2024 ku Eastern Pearl Banqueting Hall e Manchester.

Abaami abawerera ddala 19 baatongozebwa awamu n'abawi b'amagezi babiri. Omukolo gwetabwako abantu abaasukka mu 250. Ebbendobendo lyeyongedde okugaziwa n'okuteekawo obukulembeze (structures) era nerifuna abaami okuva mu bibuga ebirala ebweru wa Manchester omuli Liverpool, Leeds, Sheffield, Derby, Leicester, Coventry awamu ne Birmingham. (North England and Midlands UK). Bingi ebisuubirwa okuva mu baami abapya naddala okwongera okukunga abantu ba Ssaabassajja mu bibuga gye bawangaalira.

Mu ngeri y'emu eby'obuwangwa byaffe byasoosowazibwa ku lunaku lw'okutongoza olukiiko nga 2nd March 2024 (Buganda Cultural Day) era ebirabo ebya Satifikeeti byaweebwa naddala eri bamusaayimuto abaasinga mu nyambala ey'ekinnansi (traditional wear), wamu n'okuzina amazina Amaganda. Omubaka wa Ssaabassajja Ow'ek. Kibuuka ye yakola omukolo ogw'okukwasa n'okusiima abaana bano wamu n'abantu ba Ssaabassajja ab'enkizo abeewaayo okuweereza abantu baffe wadde nga tebali ku lukiiko.

Mu ngeri y'emu twetaba mu bujjuvu mu misinde gya Ssaabassajja Kabaka ku Ssande nga 07/04/2024 oluvannyuma lw'okufuna emijoozi egy'okuddukiramu okuyita mu Woofiisi y'Omubaka wa Ssaabassajja mu Bungereza ne Republic ya Ireland.

Tetulina bipya bitusoomooza mu kiseera kino wabula okwongera okugoberera ennambika ya Katikkiro ey'okunoonya engeri gye tugonjoola ebizibu ebitusoomooza mu kifo ky'okwekubagiza.

Ebbendobendo lya North of England and Midlands UK likulemberwa **Rev. Enock Kiyaga Mayanja**, ng'amyukibwa **Mwami Jaffer Kasule-Gava.** Omuwandiisi n'amawulire ye **Mwami Isaac Jakira,** owa Pulotoko / Abaami ye **Mw. Yahyah Kakembo-Ntambi**, Ow'ennono / Culture ye- **Hajat. Nulu Nakitto**, Welfare / Emizannyo n'Okwewummuza ye **Mw. Cliff Kyobe-Ssennyonjo,** Ow'enkulaakulana (Development) **Hajat Ziadah Lutale-Kayongo**, ow'Abavubuka ye -**Mwami Lameck Muteesaasira,** akola Guno naguli / Without portfolio- **Nnaalongo Ritah Munyagwa,** Omukiise / Rep w'ekibuga **Leeds ye Dr William Bukulu**. Amyuka ow'e Leeds, akola Guno naguli / without portfolio - **Muky. Mabel Nagujja Ssozi Kazibwe.** Akiikirira ekibuga Liverpool - **Muky. Justine Nakimuli Oloya-Odwongo**, Dep Representative Liverpool - **Muky. Kavuma Sylvia Juliet Kalungi.** Akola Guno naguli / without portfolio -**Muky. Jennifer Nakakande.** Omukiise / Rep Derby - **Mwami Joseph Kabanda.** Omukiise / Rep Birmingham - **Mw. Beewaayo Kiyingi-Bbosa**, Omukiise / Rep Sheffield- **Pastor Andrew William Bukenya.** Omukiise / Rep Loughborough / Leicester ----**Muzaana Joanne Kalemeera.** Omukiise / Rep Coventry - **Mw. Frank Kasibante.** Omuwi w'amagezi / Advisor - **Muk. Alfred Fredrick-Mukungu,** Omuwi w'amagezi / Advisor -**Mukungu Liz Ricketts Namutebi.**

Ssaabassajja Kabaka Awangaale.

Rev. Enock Kiyaga Mayanja
**Omukungu Atwala e Bbendobendo ly'eManchester (North of England and Midlands)**

### Olukiiko lwEbbendobendo lya North London & South Counties

| No. | Ekifo | Erinnya ly'Omukiise |
|---|---|---|
| 1 | Ssentebe / Omumyuka Atwala North London ku Lukiiko lw'Omubaka | Omukungu Robert Mukiibi |
| 2 | Omumyuka wa Ssentebe asooka | Mw Abdalah Jjingo Kalungi |
| 3 | Omumyuka wa Ssentebe ow'okubiri | Mr Chris Bukenya |
| 4 | Omuwandiisi | Muky. Florence Nanyonjo |
| 5 | Omuwanika | Mw Joseph Kikomeko |
| 6 | Ow'Abaami | Hajji Edirisa Yiga |
| 7 | Ow'Abakyala n'Abaana | Muky. Proscovia Namuli Kaggwa |
| 8 | Omumyuka w'Abakyala n'Abaana | Muky. Sylvia Maasombira Bukenya |
| 9 | Ow'enkulakulana / Guno na guli. | Daniel Semulimi Kazibwe |
| 10 | Okwewummuza, emizannyo, etc | Muky. Letitia Namirembe. |
| 11 | Omukiise asooka | Mw. Ssempiira Kasozi |
| 12 | Omukiise wa Oxford | Tim Morgan Mugerwa |
| 13 | Omukiise wa Brent ne Edgeware | Mw Moses Luzinda |
| 14 | Omukiise wa Buckinghamshire | Mw Victor Mukasa |
| 15 | Omukiise wa Berkshire & Wilshire | Mw Martin Pulle |
| 16 | Omukiise wa Bedfordshire (Luton) | Mw Derrick Mutemanzadde |



**Olukiiko lwEbbendobendo ly'e Manchester olwatuuzibwa nga 02/03/2024**

**First line:** Omubaka Ssaalongo Kibuuka (owookuna okuva ku ddyo) wamu n'abakungu nga yakamala okutongoza Olukiiko lwa Buganda North of England and Midlands UK (Manchester Bbendobendo)

**Second line L to R:** Jennifer Nakakande, Mabel Kazibwe, Sylvia Kalungi, Nulu Nakitto, Ziadah Kayongo, Justine Odwongo, Jo-anne Kalemeera ne Nnaalongo Ritah Munyagwa

**Third line from L to R:** Isaac Jakira, Jaffer Kasule Gava, Pastor Andrew Bukenya, Kiyingi Bbosa, Dr. Bukulu William, Frank Kasi-bante, Joseph Kabanda, Lameck Muteesaasira ne Kojja Yahyah Kakembo-Ntambi.

## Olukiiko lwEbbendobendo ly'e Scotland

| No. | Ekifo | Erinnya ly'Omukiise |
|---|---|---|
| 1 | Ssentebe | Omukungu Rev Dr Tom Kisitu |
| 2 | Omumyuka w'omukungu | Edward Mayanja |
| 3 | Omuwandiisi | Mariam Najjuma Ssemakula Hutchinson |
| 4 | Omuwanika | Fred Mukisa |
| 5 | Ow'abaami | Francis Kironde |
| 6 | Ow'abakyala n'abaana | Rebecca Nalongo Nansasi |
| 7 | Ow'abavubuka | Edward Mayanja |
| 8 | Amyuka Ow'abavubuka | Hashim Kalyango |
| 9 | Ob'obuwangwa n'enonno | Mr Stanley and Mrs Lumu |
| 10 | Ow'amawulire, okukunga ne protocol | Nasser Ssalongo Lule |
| 11 | Amyuka ow'amawulire, okukunga ne protocol | Francis Kironde |
| 12 | Ow'ebyenkulakulana, okubangula n'amasomo | Omukungu Martin Kalemba |
| 13 | Ow'entambula n'okwewumuzza | Africanos Ssembatya |
| 14 | Ow'ebyobulamu n'emizannyo | Jonathan Ssentamu |
| 15 | Akiikilira Buganda Scotland ku lukiiko lw'mukungu | Omukungu Rebecca Lubega-Bukulu |
| 16 | Omumyuka w'akiikilira Buganda Scotland ku lukiiko | Paddy Leonard Mukasa |
| 17 | Ow'Omuluka gwe Edinburgh, the Lothian and the Borders | Jonathan Ssentamu |

# Eky'eggulo kya Buganda (UK) 2023



*Omu ku Bagenyi Abaali ku Mukolo: Sir Stephen Timms - MP wa East Ham*

Ku Lwomukaaga nga 25 Museenene 2023 abantu ba Ssaabasajja abaasukka mu bikumi ebina (400) be beetaa mu mukolo gw'Eky'eggulo kya Buganda (Buganda Dinner) UK 2023 eky'omulundi ogw'omusanvu. Omukolo guno gwali mu Coliseum Suite, mu Ilford ekiri mu Buvanjuba bwa London.

Okuteekateeka omukolo guno kwakulembeddwa olukiiko lw'Ebbendobendo lya Buvanjuba bwa London, Anglia ne Essex nga luyambibwako abakungu okuva ku lukiiko lw'Omubaka wa Ssaabasajja mu UK ne Ireland.

Guno gwe gwagwali omulundi ogw'okubiri omukolo guno okutegekebwa wabweru w'amasekati ga (central) London ng'ekyaluubirirwa kwe kutambuza omukolo guno mu mabendobendo g'essaza lino erya UK ne Ireland.

**Okutongoza Olukiiko lw'Ebbendobendo lya Buvanjuba bwa London, Anglia ne Essex**

Ku mukolo guno, Omubaka wa Kabaka mu UK ne Ireland, Ow'ek. Ssaalongo Geoffrey Kibuuka yatuuza olukiiko lwa Buvanjuba bwa London, Anglia ne Essex olukulemberwa Mukungu Godfret Sekisonge.



*Olukiiko lwEbbendobendo lya East London, Essex ne Anglia Olwatuuzibwa nga 25/11/2023*

**Abagenyi Abenjawulo**

Omukolo gwaliko abagenyi ab'enjawulo omwali Ow'ek. Ronald Lutaaya – Omubaka wa Kabaka eyawummula; Nnaalinya Elizabeth Nakabiri, Abalangira n'Abambejja abawangaalira mu Bungereza; abakiise b'Ababaka b'Abataka mu UK ne Ireland; Abaami ba Kabaka okuva mu mabendobendo agenjawulo (Manchester ne Midlands, North London, South ne West England ne Scotland) n'abakulu b'amadiini.

Ng'oggyeeko Bannayuganda, omukolo gwaliko n'abakulembeze b'eby'obufuzi mu kitundu kya East London omwali: Sir Stephen Timms - MP wa East Ham, Kansala James Asser – Omumyuka wa Mayor wa Newham, Mw Unmesh Desai – Omubaka ku lukiiko lwa London Assembly, Kansala Lakmini Shah – atwala East Ham South Ward ne Mw. Martin Pinder - Ssaabawandiisi mu kitongole ky'eby'enjigiriza mu Newham. Ate ye Daisy Byaruhanga yakiikiridde Obukama bwa Bunyoro Kitara.

Okuva e Uganda, Ssaalongo Faustin Lukonge Mukambwe - Mayor wa Mityana Municipal Council ne Mw. Kasozi Mulindwa omusirikale wa Paapa ne mukyalawe Grace Kasozi nabo teebalutumirwa mwana.

**Okwogera kw'Omubaka**

